EDDOBOOZI

EDDOBOOZI LYA MAPEERA NE AMANSI

"Okwaza Ekitiibwa kya Katonda n'Okugaziya Obwakabaka Bwe"

No. 6. Nabulagala 2016, 1000/=

NABULAGALA

NAKAZADDE

N'OBUTAKA

BW'OBUKATOLIKI

MU

UGANDA

www.mapeeraandamans.org
www.lourdelmapeeraparish.org

EDDOBOOZI LYA MAPEERA NE AMANSI
P. O. Box 28712, Kampala - Uganda
Email: eddoboozi2014@gmail.com
Tel: +256 753 877433

Ennyanjula

Ekigo kya Mapeera-Nabulagala mu byafaayo by'Eklezia Katolika mu Uganda kirina ebitiibwa eby'enkizo era eby'enjawulo bibiri ebigo ebirala byonna bye bitalina nga bino kwe kubeera "Nakazadde n'Obutaka" bw'Eklezia eno. Nabulagala ye *Nakazadde* kubanga wano omulimu ogw'okulangirira Amawulire Amalungi aga Yezu Kristu mu Uganda we gwatandikira era nga n'abaana b'Eklezia abaggulanda wano webaazaalirwa mu luzzi lwa Batismu. Nabulagala bwe *'Butaka'* bw'obukatoliki mu Uganda kubanga wano bakitaffe mu mwoyo ab'Eklezia Katolika we bagalamidde.

Kyokka era ekigo kino kirina eky'ekinzo ekirala olw'okubanga mu kyo mwe musangibwa *'Amasiro g'e Kasubi'* omugalamidde Bassekabaka ababiri abaali ensonga mu kuleta n'okubunyisa Obukristu mu Uganda. Ssekabaka Muteesa I ng'ono ye yayita abaminsani abasaale awamu n'okubaaniriza mu Uganda, ne Ssebakabaka Mwanga II ng'ono

newankubadde ye yatta Abajulizi naye yakola kinene mu kukuza n'okwaza Obukristu mu nsi eno. Era wano e Kasubi nga lukyali lubiri lwa Muteesa I, Mapeera weyalagira obuzira ku Sunday nga 11 September 1881, bwe yalwannirira eddembe lya buli muntu okwerondera eddiini gy'ayagala, Muteesa bwe yali ayagala okulangirira Obusilaamu okubeera Eddiini egobererwa abantu bonna mu bwakabaka bwe.

Akatabo *k'Eddoboozi lya Mapeera ne Amansi* ak'omulundi guno katunuulidde kifo kino kyokka eky'ebyafaayo eky'e Nabulagala ng'ekigendererwa kwe kuyamba abalamazi okuzuula *eby'obugagga ebikusike eby'Obwakabaka bwa Katonda* (Matayo 13: 44) ebizze nga bikwekebwa mu byafaayo by'Obukristu by'ekifo kino kati emyaka 137 bukya Abaminsani bano abasaale bakitandikawo.

***

Kasubi – Nabulagala

Mu buwangwa bwa Buganda, buli mulangira eyalyanga obwakabaka nga akuba olubiri lwe era ng'awo walutadde we wafuuka ekibuga ekikulu eky'obwakabaka. Mwanga II ye kabaka eyasemba okukuba olubiri lwe e Mengo era okuva ku ye embiri zaafuuka za nsikirano ng'olubiri lw'e Mengo lwe lutongole.

Kabaka Ssuna II (1826-1856) ye yasooka okuzimba olubiri lwe e Kasubi-Nabulagala (amannya gano gombi mu budde obwo nga geyambisibwa okwogera ku lubiri luno). Olubiri lwe olwasooka lwali Mulago ng'eyo gye yava najja wano.

Kabaka Muteesa I (1856-1884), bwe yalya eŋŋoma mu 1856, yazimba olubiri lwe e Nakatema kyokka oluvannyuma yagenda e Kasubi-Nabulagala emirundi ebiri, ogusooka mu 1875/76 ate n'addayo mu 1881 era nga wano weyakisiza omukono mu Oktoba 1884 n'aziikibwa mu nyumba ye *Muzibu-Azaala-Mpanga.*

Ekigo ekibereberye eky'Eklezia Katolika kibangwawo

Kabaka Muteesa I ye yawa Pere Simeon Lourdel ne Frera Amansi Delmas ekibanja e Lubya-Nabulagala. Okusooka baali ku kasozi Lubya naye olw'ebbula ly'amazzi ne badda wansi e Nabulagala. Muteesa yabazimbira ennyumba ku kibanja kino era ng'eno bagiyingira nga 7 March 1879, ng'olunaku olwo ekigo ekyasooka mu Uganda lwe kyaggulwawo. Ekigo kino kyamala emyaka ena, okuva mu 1879 okutuusa mu 1882. Nga tebanajja Nabulagala, Mapeera ne Amansi baali Kitebi mu maka ga Amir Ssekikubo ng'ono ye yali alabirira amakubo ga Kabaka. Eno bamalayo ennaku kkumi na taano.

Mu bakozi abayamba Abaminsani okuzimba ekigo kino ekibereberye mwalimu Yozefu Mukasa Balikuddembe ne Matia Mulumba oluvannyuma abattibwa obujulizi.

Pere Simeon Lourdel afuna erinnya erya Mapeera

Frera Amansi yateranga okuyita Fr. Lourdel **'mon-père',** ebigambo by'Olufalansa ebibiri ebitegeeza 'Kitange / taata wange' *(My Father)*. Bannansi bwe baawuliranga ng'amuyita **Mompera** ne balowooza nti lye linnya lye era ne likalira ddala ne livaamu erya Mapeera. Olumu nga bali mu Lukiiko e Lubaga (6 June 1879), Kabaka Muteesa I yalangirira nti 'Mompera yanatusomesa' era okuva olwo abantu ne batandika n'okwogera ku *'Ddiini ya Mapeera'* nga bategeeza Eddiini Enkatoliki nga bwe baali bogera ku *'Ddiini ya Makaayi'* nga bategeeza Eddiini y'Abapolotestante.

Okusoma Missa Embereberye

Abaminsani abasatu, Pere Girault Ludovic, Pere Leon Barbot ne Pere Leon Livinhac abaali basigadde e Kageye mu Tanganyika baatuuka e Nabulagala nga **24 ne 25 June 1879.** Frera Amansi ye yabanona mu April 1879 ng'ono yagenda n'empingu y'amato amakumi abiri agabaweebwa Kabaka Muteesa. Mu kiseera ekyo Mapeera yasigala yekka e Nabulagala.

Pere Livinyake ng'ono ye yali mukulu waabwe ye yasemba okutuuka ku **Lwokusatu nga 25 June** era ku lunaku luno lwennyini kwebasomera Missa Embereberye wano mu Uganda. Omutambizi omukulu yali Pere Livinyake era nga Missa eno yeetabwamu baminsani bokka anti mu kiseera ekyo tewaliwo bakristu balala ate nga n'amateeka ga Klezia mu budde obwo gaali tegakkiriza atali mubatize kwetaba mu Kitambiro kya Missa. Mapeera ne Amansi abaali basoose okutuuka tebasobola kusoma Missa olw'okuba tebalina bikola, kwe kugamba: Ostia, Evviini ne Meeza y'Altari. Missa eno yasomerwa mu kisenge kya Mapeera eky'eyambisibwa nga ***chapel*** ey'ekiseera okutuusa lwe bazimba ***chapel*** yennyini nga wayiseewo emyezi ebiri.

Novena ya Bikira Maria n'Okumusingira Uganda

Ku lunaku lwennyini lwe basoma Missa Embereberye, baatandika Novena ya Bikira Maria Ataliko Bbala (Mary Immaculate). Novena eno yaggwa nga 2 July 1879 n'omukolo ogw'enjawulo ogw'okusingira Bikira Maria obulamu bwabwe, obutume bwabwe awamu n'ensi eno Uganda. Okuva olwo Ekigo kyabwe ne bakituuma "Bikira Maria ow'e Lubaga" *(St. Mary's of Lubaga)* era ng'erinnya eryo balisigaza nga bali e Nalukolongo (1885-1888) ne Nabunnya (1889-1891) ne Lubaga (okuva mu 1892).

Wetegereze: Novena eno yali ekyabulako olunaku lumu, naye kirabika nti waaliwo ensonga wakiri bbiri ezabakoza kino. Esooka, mu biseera ebyo (wakati wa 1263 ne 1969) olunaku olw'Okukyala kwa B. Maria ewa Elizabeth Omutuukirivu (Laba Luka 1: 39-56) lwakuzibwanga nga 2 July. Luno lunaku lwa makulu mangi nnyo eri abaminsani n'obutume bwabwe. Ensonga ey'okubiri ku lunaku luno ba White Fathers baali bajjuukirirako okutukuzibwa kwa Bazilika ya Nnyaffe B. Maria ow'Afrika mu Algiers. Jjukira nti ono ye muwolereza w'ekibiina kyabwe era nga Bazilika eyo yatukuzibwa omugunzi wabwe, Kalidinaali Lavigeri era mu Bazilika eyo Abaminsani bano mwebaasiibulirwa nga 17 April 1878 balyoke batandike olugendo lwabwe okujja kuno.

Eky'ennaku tetulina kiwandiiko kya kwesingira eri B.Maria okwasooka kyokka tulina ekiwandiiko bwe baali bazza obuggya okwesingira kuno omwaka ogwaddako 1880 era nga tukakasa nti n'ekiwandiiko ekyasooka kyali kifaanana na kino. Era "Essaala eya Bikira Maria ow'e Nabulagala" yakolebwa okusinzira ku kiwandiiko ekyo.

'Olwaleero, olunaku olusemba mu mwezi gwa Maria ogwa Maayi 1880, ffe abatadde emikono ku kiwandiiko kino, Abaminsani ba Uganda, tuzza obujja okusingira Essaza ly'ekitundu kino eky'Ennyanja Nalubaale eri Bikira Maria ataliko bbala. Tumuwa n'okumukwasa emibiri gyaffe n'emyoyo gyaffe, emirimu gyaffe, obulamu bwaffe bwonna, okufa kwaffe awamu n'obulamu bwaffe obulijja.

Tweyama nti Bikira Maria yanaba omusomesa waffe era Mukama waffe ekyo kitusobozesa nga tuli wamu naye era nga tuyita mu ye, okutegeera n'okutuukiriza ekyo Omwana we Omutukuvu ky'ayagala, ng'oyo ku lw'ekitiibwa kye twagala okweweerayo ddala awatali kasagala n'akamu. Tukakasa nti buli kirungi kyonna ekinakolebwa wano kinaba kikoleddwa Maria nga n'olwekyo ekitiibwa kinaweebwa ye yennyini.

Emikono gyaffe ku kiwandiiko kino ke kabonero ok'obwesige bwaffe gy'ali era tukitadde wansi w'ebigeere by'ekifaananyi kya Maria Ataliko bbala, Mukama waffe ow'okuntikko." (Nabulagala 31 May 1880)

ESSAALA EY'OKWESINGIRA ERI MARIA NNYAFFE OW'E NABULAGALA

Ayi Maria Nnyaffe ow'e Nabulagala, tuddamu nga Bajjajjaffe mu kukkiriza Mapeera ne banne bwe bakola, okukusingira obulamu bwaffe, emirimu gyaffe awamu n'ensi yaffe eno Uganda.

Tusabire tuwonne endwadde, obubenje, entalo awamu n'okunyigirizibwa kwonna.

Ayi Nnyaffe omulungi, tukulemberemu bulijjo mu kugoberera Kristu Omwana wo, eby'ensi tubitunuulize magezi, ate emitima gyaffe tugiteeke ku ebyo byokka ebinaatutuusa mu ssanyu ery'olubeerera.

AMIINA

Frera Amansi akuba ebiragaano bye eby'olubeerera mu bunnaddiini (19 October 1879)

Frera Amansi bwe yalondebwa okujja mu Uganda yali tanakuba biragaano bya bunnaddiini eby'olubeerera. Bwe baatuuka wano nebasalawo abikube oluvannyuma lw'olusirika lwe yatandika ku Lwomukaaga nga 11 October 1879. Omukolo gwaliwo ku Sunday nga 19 October 1879 kino ne kimufuula munnaddiini omubereberye okukubira ku ttaka lya Uganda ebiragano bye ebyo.

Olw'okujjukira n'okukuza ekyafaayo kino, ab'Ekibiina kya "Mapeera and Amans Beatifications Promoters (MAB-PRO)" buli mwaka bateekateeka okulamaga kwa Bannaddiini abakazi n'abasajja mu Uganda e Nabulagala. Luba lunaku lwa kwegayirira na kwebuulirira na kusabira bannaddiina bonna mu Uganda.

"Nze Bulaaza Amansi Delmas, mu maaso ga Baganda bange abakuŋŋaanidde wano, nawe Ssebo Kitange, nkuba ekiragaano eky'obuwulize, obwavu n'obutukuvu mu mbeera ey'obutawasa obulamu bwange bwonna nga bwekiri mu Nkola ne Ssemateeka w'Ekibiina ky'Abaminsane ab'Afrika mwebyo ebikwata ku Babulaaza era ebilambuluddwa obulungi mu ntambuza y'obulamu bwa Babulaaza n'emirimu gyaabwe.

Era neyama okukolera awamu ne Baganda bange mu bunaddiini, awatali kwebalira nga ngoberera amateeka g'Ekibiina kino, mu kuwanirira emirimu gyonna egy'obuyambi n'ekisa awamu n'egy'obutume obukolebwa abaminsani ku lw'obulungi obw'omwoyo n'omubiri obw'Abatakkiririza mu Kristu (abakaafiri) ab'Afrika." (19 October 1879 e Nabulagala)

Okusomesa Katikismu ne Batismu Embereberye mu Uganda

Newandibadde nga Mapeera yafuna emikisa egiwereko okunyonyola Enzikkiriza n'Enjigiriza y'Eddiini Enkatoliki mu nkiiko za Kabaka mu Lubiri e Lubaga, kyokka kwo okuteekateeka n'okusomesa Abalonde kyatandikira Nabulagala mu kigo. Amangu ddala nga batuuse, Mapeera ng'ayambibwako **Dallington Muftaa** yatandika okuwandiika Katikismu Esooka mu Luganda ng'eno yagimaliriza mu makkati ga Oktoba 1879 era n'ekubibwa mu kyapa mu Algiers mu 1881 olwo ne kiba ekitabo mu Luganda ekyasooka okufuluma mu kyapa.

Omulonde eyasooka, Nalubandwa, yewandiisa nga 13 November 1879 era ono ye yali munnayuganda eyasooka okubatizibwa. Omulimu gw'okuyingiriza katikisimu gwavaamu ebibala ebisooka ebya batismu mu **kiro kya Paska nga 27 March 1880**. Ababatizibwa kw'olwo baali bana era nga be bano: **Paulo Nalubandwa, Petero Kyonooneka Ddamulira, Yozefu Lwanga ne Leo Kaddu.** Pere Livinyake ye yababatiza era enkeera ku Paska bano ng'ojjeeko Kaddu olw'okuba yali muto baafuna Komunyo Esooka ne Kofirmansiyo.

Oluvannyuma waaliwo batismu endala ng'omwo mwe muli n'abo abafa obujulizi bana: Yozefu Mukasa Balikuddembe ne Andrea Kaggwa nga bano babatizibwa Pere Mapeera nga **30 April 1882,** (era bano be yasooka okubatiza wano mu Uganda); Matia Mulumba ne Luka Baanabakintu nga bano Pere Girault Ludovic ye yababatiza nga **28 May 1882.** Bonna awamu ababatirizibwa e Nabulagala wakati wa 1880 ne 1882 baali bawera amakumi abiri (20)

*Omulangira Mwanga obw'olumu yajjanga mu kigo n'abagalagala abagendangayo okusoma eddiini.

Oluzzi lwa Mapeera

Okuva ku kelezia y'ekifo okutuuka ku Luzzi luno waliwo nga mita bitano (500). Newandibadde ng'oluzzi luno luyitibwa "Oluzzi lwa Mapeera", naye ekituufu kiri nti Frera Amansi ye yayali ku mulimu gw'okulusima ng'ayambibwako ababakozi. Ekikulu ky'Oluzzi luno ekisinga si kuba nti lwayamba Abaminsani abasaale n'ab'ekyalo okufuna amazzi ag'okweyambisa naye okuba nti amazzi agabatiza abakristu abaasooka mu Uganda mwe gaava. Oluzzi luno lukyaliwo era abantu b'omu kitundu bakyalweyambisa.

Katekismu n'okuyigiriza okusoma n'okuwandiika

Nga bannaabwe Abaminsane Abapolotestante, Abaminsani Abakatoliki nabo baagatta okuyigiriza eddiini n'okuyigiriza okusoma n'okuwandiika. Mungeri eyo, ku nkomerero ya Katikismu y'Oluganda Mapeera yateekayo walifu *(alphabet)* n'engeri y'okuwandiikamu n'okusoma olulimi oluganda. Okuggatta okuyigiriza eddiini n'okuyigiriza eby'amagezi kye kyavaamu okuyita Abakristu **Abasomi**.

Pere Livinyake naye mu kiseera kye kimu yatandika okuwandiika gulama *(grammar)* w'Oluganda nga kino ekitabo kyakubibwa mu kyapa e Paris mu Bufalansa mu 1885. Era yawandiika n'Enkuluze y'Olulimi Oluganda ya bigambo wakati w'akakaaga n'akasavu kyokka eky'ennaku Enkuluze eno yagwa mu nyanja emmeeri mwe baali bagitwalira bweyasaanawo mu muyaga nga 11 June 1884 wakati wa Bufalansa ne Algeria.

Amasomero "Mapeera St. Joseph Primary School" (NB: Yozefu lyali limu ku mannya ga Mapeera) ne "Mapeera Kindergarten" agali ku kigo kwennyini kijjukizo kya makulu mangi ekituzzaayo kuntandikwa y'Eklezia nga yenyigira mu mulimu ogw'okusomesa eby'amagezi *(formal education)*. Mapeera mu kiseera ekyo yalina ekirooto okutandikawo essomero ly'abalangira n'abaana b'abakungu abaali bajja okufuuka abakulembeze abomumaaso ng'asuubira nti bye baliba bayize mu ssomero eby'amagezi n'empisa ennungi ez'obukristu balibyeyambisa okukyusa ensi eno.

Krismasi Embereberye mu Uganda (Lwakuna 25 December 1879)

Amazalibwa ga Mukama waffe Yezu Kristu abaminsane gebasooka okukuliza mu Uganda nga bali e Nabulagala tegali ga ssanyu nnyo kyokka baalina essuubi nti olunaku lulikya enkumi z'abantu nebeeyiwa ku Kisibo okusiza Omwana Omutukuvu Yezu. Bwebati bwe baaluwandikako mu kitabo ky'ebibaawo buli lunaku *(diary):*

"Nga tuli wakati mu mawanga amakaafiri, nga tetulina kantu konna kayinza kututeeka mu mbeera ya kujaguza, tugezaako okusitula emyoyo gyaffe mu birowoozo okugiraza mu nsi yaboobwe Bufalansa……- "Okumpi n'emigga gy'e Babilooni gye twatuula ne tukaaba amaziga, bwetwajjukira Siyooni! (Zabuli 137: 1)" Ggwe wamma kizibu obutawulira kunyolwa okulaba ng'Omwana Omutukuvu tannaba kufuna bantu balala bamusinza okujjako abaminsani. Naye tulumwa mu bukkakamu kubanga tulina essuubi ddene nti enkumi n'enkumi z'emyoyo egitwetolodde kyokka egirabika kati nga wakati waffe nagyo waliwo ekiwonvu kinene nnyo, Yezu ajja kumanya engeri y'okugyisikirizamu gyijje gyali, agikyusse. Olunaku lujja kukya enkuyanja y'abantu ebe nga yeyiwa okwetolola ekisibo, nga bwekiri mu bitundu by'ensi

ebirala. Tusaba obunafu bwaffe buleme kulwisaawo ssaawa eyo ey'obusaasizi…….Tulina abalonde basatu."

Okununula Abaddu
Amangu ddala nga basenze e Nabulagala, Abaminsane baatandika okununula abaddu naddala abaana abato okuva ku Bawarabu abasuubuzi. Abaddu bano okusinga baabajjanga Bunyoro na Busoga. Mu myaka esatu gyebamala e Nabulagala baanunula abaana abiri mu munaana nga bano baberanga nabo mu kigo nga babalabirira awamu n'okubayigiriza okusoma n'okuwandiika, Katekismu awamu n'emirimu egy'emikono okugeza okubajja n'okulima. Frera Amansi okusinga ye yali avunaanyizibwa ku baana bano. Abaminsani bwe baali bava e Nabulagala mu 1882, abaana bano baagenda nabo. Omulimu guno ogw'ekisa baagutwala mu maaso nga bali e Nalukolongo ne Nabunnya.

Abaminsane bava e Nabulagala okulaga e Tanganyika
Olw'embeera etali ya butebenkevu ekimala, abaminsane baasalawo mu November wa 1882 okuva mu Buganda ne balaga e Tanganyika. Mu budde obwo Kabaka Muteesa yali avudde e Lubaga olwa kawumpuli ng'azze mu Lubiri lwe olw'e Kasubi-Nabulagala.

Bwe baali basitula, ebintu byabwe ebyasigala babikwasa bannaabwe Abaminsane Abapolotestante e Nateete. (Jjukira nti Makaayi naye bwe yali ava mu Buganda nga 21 July 1887, yayitira Nalukolongo n'ateresa Mapeera ebisumuluzo by'ennyumba yaabwe!)

Abaminsane bwe baakomawo mu Buganda mu June 1885, Kabaka Mwanga yabawa ekibanja e Nalukolongo era okuva olwo Nabulagala ne kifuuka kisomesa kya Lubaga okutuusiza ddala mu 1974 lwe kyafuuka ekisomesa ky'ekifo ekippya eky'e Nakulabye.

Abakristu Abeerere basimba mu Kisinde ky'Abaminsane
Amangu ddala ng'abaminsane bamaze okugenda, abakristu awamu n'abalonde nga bakubirizibwa Yozefu Mukasa Balikuddembe ne Andrea Kaggwa, baatula e Nabulagala okukola entegeka ez'okutambuza ekibiina kyabwe. Mu lukiiko luno lwetuyinza okuyita olwa *'parish council* eyasooka', Balikuddembe yalondebwa okuba Ssabakristu era n'enteekateeka namutaayiika n'ekolebwa ng'eno yeyasobezesa abakatoliki okunywerera mu ddiini yabwe awamu n'okuyingiza abakristu abaggya.

Kelezia ey'Ekijjukizo (1939)
Kelezia eno yazimbibwa mu 1939 okujjukira: Abaminsane abasaale, emyaka enkaaga (60) bukya Eklezia Katolika etandikibwawo mu Uganda, Abajulizi ba Uganda abayamba okuzimba ekigo ky'e Nabulagala - Yozefu Mukasa Balikuddembe ne Matia Mulumba n'abo abasomerawo katekismu - Andrea Kaggwa, Luka Baanabakintu, Anatoli Kiriggwajjo, Gonzaga Gonza, Adolfu Ludigo, Yakobo Buuzaabalyawo ne Nowa Mawaggali n'abo abaabatirizibwawo - Yozefu Mukasa Balikuddembe, Andrea Kaggwa, Luka Baanabakintu, Matia Mulumba.

Era kyasalibwawo okuwandika munda mwa kelezia eno ennaku z'omwezi olwa batismu embereberye – 27 March 1880, n'olw'Abajulizi ba Uganda Abeesiimi. Endabika *(model)* y'ekijjukizo kino mu maaso baagikoppa okuva ku Kkubo ly'Omusaalaba ery'e Lisieux *(Calvary of Lisieux)* mu Bufalansa.

Mgr Edward Michaud omusumba wa Lubaga mu budde obwo (1933-1945) ye yatema evuunike ery'omusinji n'okuguwa omukisa. Mu bagenyi abangi abaaliwo mwalimu n'Omusumba omulonde owa Masaka, Mgr Joseph Kiwanuka, omwepiskopi omufrika omubereberye mu kyasa ekiggya.

Ebisigala by'Abaminsane Abasaale e Nabulagala
Emirundi egiwereko ebisigala by'Abaminsane Abasaale byaleetebwa e Nabulagala ku mikolo egitali gimu okutuusiza ddala lwe byaziikibwayo mu 2011. Emikolo egyo gye gino:

25 May 1975: Mwaka Mutukuvu. Mu mwaka guno, abakristu mu Eklezia yonna baakubirizibwa okulamaga mu bifo ebitukuvu ebiri mu nsi zaabwe awamu n'ebyo eby'ebunaayira. Mu Ssaza ly'e Kampala, Nabulagala ky'ekimu ku bifo ebyalondebwa okulamagamu.

25 June 1978: Mu mwaka guno waliwo enteekateeka z'okukuza emyaka kikumi bukya Eklezia Katolika ejja mu Uganda ate olunaku luno twali tukuza emyaka 99 bukya Missa embereberye mu Uganda esomwa wano e Nabulagala.

24 June 2007: Kuggulawo mu butongole ekigo kya Mapeera-Nabulagala.

28 June 2009: Kulamaga nga tujjukira emyaka 130 bukya Abaminsane abasaale batuuka mu Uganda. Omulamwa gwali: **Mu Kisinde kya Mapeera ne Amans**. Kalidinaali E. Wamala ye yali omutambizi omukulu. Ebirala ebyaliwo kw'olwo: okuwa omukisa Grotto ya B. Maria ow'e Nabulagala, okuddamu okwesingira B. Maria awamu n'okutema evuunike ery'e nnyumba y'abakulu era ng'eyakola kino yali Kalidinaali Wamala.

6 March 2011: Okuziika ebisigala byabwe mu Kelezia y'Ekijjukizo. Ebisigala bya Pere Girault tekyasoboka kubifuna olw'okuba

nti gye baasooka okumuziika mu Algiers bwe baasengula amalaalo gabwe oluvannyuma bonna baabateeka mu ntaana emu. Kale nno mu kifo ky'amagumba ge mu kabookisi ke mwateekebwamu kopi y'ebbaluwa gyeyawandiikira wano e Nabulagala awamu n'ekiwandiiko ekiraga obulamu bwe

Omulamwa gwali: **"Nga birungi ebigere by'oyo aleeta amawulire amalungi"** (Isaaya 57: 7) Omutambizi omukulu yali Kalidinaali Wamala. Essaala ey'okuddamu okwesingira B. Maria yasomwa, ekiwandiiko n'ekissibwako emikono abasumba n'abaakikirira ebibiina bya bannaddiini n'abakristu, ate oluvannyuma ne kissibwa wansi w'ekifaananyi kya B. Maria ekiri munda mu Kelezia ey'ekijjukizo.

Ku lunaku lwe lumu, Ssabasumba Dr. Cyprian Kizito Lwanga yatongoza ekibiina kya *"Mapeera and Amans Beatification Promoters (MAB-PRO)"* era n'akakasa ne Ssemateeka wakyo.

Mapeera-Nabulagala Catholic Parish – St. John the Baptist

Enteekateeka z'ekigo ekipya nga kigatta ebisomesa ekya Mapeera-Kijjukizo ne Masanafu ebyakutulwa ku kifo ky'e Nakulabye zatandiika ku Lwokusatu lwa Vvu nga 1 March 2006. Omulimu guno gwaweebwa Abaminsane ab'Abafrika (White Fathers).

Omukolo ogw'okuggulawo ekifo gwaliwo nga 24 June 2007 ku lunaku lw'amazalibwa ga Yowanna Omubatiza. Motto y'ekifo: **"Ndisiimisa ki nze Omukama" (Zab. 116: 12);** Akabonero *(logo)*: "Emikono ebiri egiwanise ekikompe", ekitegeeza okwebaza Omukama olw'ebirungi byonna by'atuwa nga Zabbuli bw'egamba, ate era katujjukiza Missa embereberye mu Uganda eyasomerwa wano. Ku lunaku olwo, kelezia, ekifaananyii kya B. Maria ow'e Nabulagala ekiri mu kelezia munda awamu n'ekifaananya kya Yowanna Batista ng'abatiza Yezu byaweebwa omukisa. Waaliwo batismu y'abakulu awamu ne Kofirmansio era ne bwanamukulu n'atuuzibwa. Omutambizi omukulu yali Ssabasumba, Dr. Cyprian Kizito Lwanga, ate omugenyi omukulu yali Ssabasajja Kabaka wa Buganda, Ronald Muwenda Mutebi II.

Okutukuza Kelezia Empya (25 June 2016)

Ebyafaayo bya kelezia (ekizimbe) e Nabulagala biddayo emabega nga 25 June 1879 Abaminsane abasaale lwe basoma Missa embereberye mu kisenge kya Mapeera. N'olw'ekyo tuyinza okugamba nti ekisenge kya Mapeera ye yali kelezia eyasooka era ng'eno yali yakiseera okutuusa lwe bazimba kelezia nga bwe tusoma mu kitabo ky'ebibaawo buli lunaku *(diary)* nga 6 December 1879:

"Olwaleero tumalirizza okutereeza ka kelezia kaffe (chapel) akappya era akawungeezi Fr. Livinhac atuteyo Essakramentu Ettukuvu. Tutaddemu ekifaananyi kya Bikira Maria Omutuukirivu, nga tukituuzizza ku kikomo, waggulu w'Omusalaba oguli ku Altaari ate wansi waakyo tutaddewo olupapula olwa silva (silver-plated paper), netubikako bendera y'Omutima Omutukuvu ogwa Yezu eyakolebwa Abasista Abakarameeli (Carmelites). Ggwe wamma ebyo byonna bifudde ekifo okulabika obulungi ennyo." (Fr. Girault)

Mu 1939 omulimu ogw'okuzimba Kelezia ey'Ekijjukizo eky'emyaka 60 egya Ukaristia mu Uganda gwatandika

Mu 1991 abakristu b'e Kijjukizo baatandika okuzimba kelezia y'ekisomesa era ng'eno yeyafuuka ey'ekifo ekiggya ekya Mapeera-Nabulagala okutuusa 2016.

Mu January 2013, omulimu ogw'okugaziya kelezia enkadde gwatandika era ne guggwa mu 2016. Nga 25 June 2016, ku kulamaga okwa buli mwaka, kelezia eno lweyatukuzibwa. Omutambizi omukulu yali Ssabasumba w'Essaza ekkulu ery'e Kampala, Dr. Cyprian Kizito Lwanga. Mu mukolo guno, ebisigala bya: Omut. Katarina owe Sienna, Omut. Karooli Lwanga, Omut. Matia Mulumba awamu n'Evvu eryava e Nakiyanja ku nkoomi Abajulizi Abakatoliki n'Abapolotestante we baayokyerwa, byateekebwa mu Altari. Era mu kelezia emabega (ng'oyingira) mulimu amadirisa omuli Mapeera ne Amansi, abatandikawo ekifo kino, n'amalala abiri omuli abajulizi ababatirizibwa wano: Yozefu Mukasa Balikuddembe, Andrea Kaggwa, Luka Baanabakintu ne Matia Mulumba.

Ekiggya (Limbo)

Ng'oggyeko abaminsane abasaale abataano abaali mu kelezia y'ekijjukizo, waliwo abaminsane abalala abaazikibwa (ebisagala byabwe) wano. Bano, nga bannaabwe abasaale abatano, nabo *'mpeke ya ŋŋano'* eyo Mukama waffe Yezu Kristu gy'ayogerako bwati: "Ddala *ddala mbagamba nti empeke y'eŋŋano bw'etegwa mu ttaka n'efa, ebeerera awo yokka; naye bw'efa, ebala ebibala bingi." (Yo. 12: 24)*

Ebisigala by'abaminsane kkumi na basatu (13) byagyibwa e Lubaga mu kelezia eri mu limbo ne biziikibwa wano nga 27 October 2015. Mu bano mulimu: Pere Denoit Camille ng'ono yali wamu ne Mapeera okutandika Nabunnya era ye yatumanyisa ebifaayo bya Mapeera mu nnaku ze ezasemba, okufa kwe awamu n'okuziikibwa kwe; Frera Cyprien van Griesven Joseph eyakulira omulimu ogw'okuzimba Lutikko

e Lubaga; Pere Felix Gracy eyatandika ekigo ky'e Nalozaali e Masaka. Ffe bibala ebyava mu "kugwa kwabwe mu ttaka"!

Ku kiggya kino kuliko amalaalo ga Natalia Nvannuungi (1873-1997), mwannyina w'omujulizi Yozefu Mukasa Balikuddembe. Ono yeyasooka okuziikibwa wano mu 1997. Omukadde ono okubeerawo kwe ku Kijjukizo kwayamba nnyo okukuuma ettaka ly'ekifo awamu n'okuzimba ekibiina ky'abakristu b'ekisomesa.

Missa eya buli mwezi okusaba Mapeera ne Amansi balangibwe mu lubu lw'abeesiimi

Mu nteekateeka ez'okumanyisa n'okwagazisa Mapeera ne Amansi basobole okulangibwa mu lubu lw'abeesiimi n'abatuukirivu, ekibiina kya "Mapeera and Amans Beatification Promoters (MABPRO)" kyasalawo okuberanga ne Missa ey'enjawulo buli lwa 17 olw'omwezi. Wano e Nabulagala Missa eyo ebaawo ku ssaawa kkumi na bbiri (6.00pm) ez'akawungeezi. Olunaku luno lutujjukiza olwa 17 February abaminsane bano lwebaatuukirako wano mu Uganda nga bagoba wali e Kigungu (Entebbe).

Okulamaga kwa buli mwaka nga 25 June

Okuva mu 2015, waliwo okulamaga nga 25 June wano e Nabulagala okujjukira Ukaristia embereberye mu Uganda, kalube lunaku lwa Sunday oba lweleere mu wiiki.

Newandibaddenga ku lunaku luno tujjukira Missa embereberye, tetuyinza kwerabira kwebuulirira ku masakramentu agaakuzibwa omulundi ogusooka mu Uganda nga kikolebwa wano e Nabulagala, kwe kugamba: **Batismu, Komunio Entukuvu, Penetensia ne Kofirmansio.** Kuno tuggattako okwebuulirira ku Nnyaffe B. Maria n'ekifo kye mu mulimu ogw'okuyigiriza eddiini mu Uganda anti ng'ono abaminsane gwe bakwasa omulimu ogwo okuviira ddala ku ntandikwa ate ng'ekyo kikolebwa wano.

Okulamaga e Nabulagala kwa kuyamba buli mulamazi *"okwefumintiriza n'okwebuulirira ku kukkiriza kwaffe"* nga Kalidinaali Wamala bweyawandiika mu bubaka bwe nga Mapeera-Nabulagala Parish eggulwawo mu 2007.

ABAMINSANE ABASAALE NGA BALI N'EKIBINJA KYE TANGANYIKA

EKIBINJA EKYASOOKA MU AFRIKA EYA WAKATI 1878:

1. Joseph Augier 2. **Ludovic Girault** 3. **Leon Livinhac** 4. **Simeon Lourdel** 5. **Leon Barbot** 6. **Amans Delmas** 7. Joachim Pascal 8. Theophile Dromaux 9. Henry Delaunay 10. Toussaint Deniaud

AMAWULIRE MU BIFAANANYI

Grotto ya B. Maria ow'e Nabulagala

Okutukuza Altaari 25 June 2016

Nabulagala 6 March 2011

Okuggulawo Parish 24 June 2007

Nabulagala June 2016

Kabaka Mutesa I

Amasiro ge Kasubi

Ekijjukizo Emyaka 60 (1939)

Ndisiimisa Ki Nze Omukama?

MAPEERA - NABULAGALA PARISH

PS:116/12-13

Motto ne Logo

St. John the Baptist,
Omuwolereza wa Nabulagala